# Abalwadde b'amaaso baakujjanjabibwa mu lusiisira olw'obwereere

SAUYAH NAMWANJE



Omusawo ng'akebera omukyala okulaba amaaso oba malamu.

# Sipiika ataddemu obukadde 50 okujjukira Rajiv

JOSEPH MUTEBI




SIpiika Annet Among (wakati), Sudhir Reparelia ne ffamire ye ku mukolo gw'okutongoza okujjanjaba abantu amaaso ku bwereere nga bajjukira Rajiv Ruparelia.

Bya JOSEPH MUTEBI

ENSANGI zino obulwadde bw'amaaso butawaanya abantu bangi omuli n'abaana abato abaweebwa gaalubindi okusobola okulaba obulungi.

Dr. Adrian Ssekyanzi owa Nyange Medical Services e Nsangi, annyonnyola ebimu ku bivaako amaaso okutawaanya abantu:

- Amaaso gafuna ebizibu eby'enjawulo omuli agatambulira mu musaayi bangi kye batwala nga alaje. Okugeza ng'omuntu bw'atunula ku bintu ebya langi ez'enjawulo ng'amaaso gatandika okumuluma oba okumusiiwa.
- Ekirala, abantu abamu naddala abaana bamala obudde bungi nga batunudde mu kitangaala ekiva ku masimu, ttivvi oba ttaabu awatali kutemya. Kino kikosa amaaso era bangi bamaliriza galwadde oba gazibye nga tegalaba bulungi.
- Endya eteri ntuufu naddala bwe kituuka mu kukuuma amaaso gaabwe nga malamu. Bannayuganda bangi tebajjumbira kulya bintu birimu Vitamiini 'A' ate nga ya nkizo mu kukuuma amaaso gaabwe nga malamu.

Vitamiini A eva mu by'okulya omuli, enva endiirwa, amagi, amata, kaloti, spinach, ebyennyanja, n'ebirala.

Mu mbeera eno, sipiika wa Palamenti Anita Annet Among atadde obukadde 50, mu nsawo ya Ruparelia Foundation nga batongoza kkampeyini z'okujjanjaba ekirwadde ky'amaaso mu lusiisira lw'ebyobulamu lwe baategese okujjukira omwoyo gw'omugenzi Rajiv Ruparelia eyali mutabani wa Naggagga Sudhir Ruparelia eyafiira mu kabenje k'emmotoka.

Olusiisira lw'ebyobulamu luno lwategekeddwa 'Ruparelia Foundation' mwe bagenda okujjanjabira abantu abalina ekirwadde ky'amaaso mu bitundu eby'enjawulo ku bwereere.

Among okuwaayo obukadde 50, yabadde ku mukolo gw'okutongoza kaweefube ono eyabadde ku wooteeri ya 'Kabira Country Club' mu Kampala omwabadde n'abasawo abakugu okuva mu malwaliro ag'enjawulo abagenda okuwa abantu obujjanjabi buno, mikwano gy'omugenzi Rajiv n'abakungu ba gavumenti ab'enjawulo.

Sipiika Among yeebazizza Sudhir ne ffamire ye yonna okugenda mu maaso nga bakuuma omukululo gwa Rajiv kubanga yalina omutima oguyamba abalala omuli okuweerera abaana abatalina mwasirizi, okudduukirira abannaku ne kalonda omulala.

Ssentebe wa kkampuni za Ruparelia Group, Sudhir Ruparelia yeebazizza Sipiika Among okuvaayo n'adduukirira omulanga gw'okujjajaba abantu amaaso ku bwereere nga bajjukira omwana we omugenzi Sudhir Ruparelia. Yagambye nti olusiisira lw'ebyobulamu luno lugenda kutegekebwanga buli luvannyuma lwa myaka ebiri.

Jyotsna Ruparelia yagambye nti, okusalawo okutegeka olusiisira lw'ebyobulamu luno nga lwa kujjanjaba ndwadde z'amaaso zokka kyabadde kigenderere kubanga amaaso gayamba nnyo mu bulamu bw'omuntu okumusobozesa okulaba n'okubaako kye yeekolera.

Olusiriika lwe by'obulamu luno lwakumala ennaku ssatu okuva nga March 27 okutuuka March 29, 2006 ku ddwaaliro lya 'Bukedea Teaching Hospital' nga lusuubirwa okuganyulwa abantu b'omu bitundu bya Buvanjuba bwa Uganda byonna n'amambuka okuli, Busoga, Mbale, Gulu, Lira, Tororo, Bukedea, Soroti ne Kapchorwa.

Ttiimu ya badokita b'amaaso abakugu abagenda okubeera mu lusirika luno bavudde mu malwaliro g'omu Kampala okuli; Mulago, C-Care gattako n'abakugu abavudde e Buyindi.

Rajiv Ruparelia,35, ye yali akulira Ruparelia Group era mutabani wa nnaggagga Sudhir Ruparelia yekka gwe yali alina eyafiira mu kabenje ku nkulungo y'e Busaabala ng'ava e Kajjansi okudda e Munyonyo nga May 3, 2025. Mu mmotoka ye Nissan GTR No. UAT 638L, n'aleka omwana omu omuwala.

## Abantu kye bagamba



**Joseph Kato : Ekivuddeko obulwadde bw'amaaso okweyongera naddala mu baana kivudde ku byetulya. Abaana baffe tubawadde nnyo ebintu ebisiikesiike ne batalya mmere esobola kukuuma maaso gaabwe nga malamu.**



**Benard Geyoleka : Gavumenti esaana n'esomesa abantu ku ngeri gye bayinza okutangiramu abantu okulwala amaaso kubanga kati kifuuse kizibu kinene ng'ate kati kiri nnyo ne mu baana.**



**Augustine Ahimbisibwe : Oluusi ebintu bye tukozesa gamba nga gaalubindi bivaako amaaso okulwala. Osanga omuntu nga gaalubindi ezambalwa ku musana, azambadde n'ekiro n'akaka amaaso okulaba ekigalwaza.**